# Ebbaluwa ya Ssenga



## Lwaki musuula obuvunaanyibwa ku baana be muzaala?




BAANA bange, omulembe gwammwe gunsobedde. Abasajja tebaagala kutuukiriza buvunaanyizibwa naye bazaala abaana n'abakyala nabo bwe batyo. Kati abaana be muzaala ani agenda okubalabirira?

Ffe bakadde bammwe be mwagala okubalekera, tetwesobola. Ekirala, twabakuza ne tubasomesa kati mulowooza ffe tulina amaanyi okulabirira abammwe?

Ennaku zino abakyala bakola era balina ku kasente ng'omussajja ne bw'amusuulawo, aba asobola okulabirira abaana. Omusajja bw'agaana okulabirira omwana aba agaanye, era ggwe omuwala olina okwekwatiramu kuba abaana naawe babo. Siwagira basajja butalabirira baana era nsuubira nti omusajja bw'azaala aba akimanya nti alina okulabirira b'azadde era bw'atakikola, aba agaanye bugaanyi. Omukyala bw'okaka omusajja oba omala budde bwe wandikozesezza okusala amagezi okulaba ng'abaana bo basoma. Ekirala, abaana basinga kuluma bamaama. N'omusajja afuna obulumi naye si bwe bumu ne bamaama bwe bayitamu.

Muwala wange omaze emyaka 5 ng'osaba ffiizi z'omwana naye ng'omusajja takuwuuna ate buli mwaka yeeyongera busungu ng'oyogedde ku nsonga eyo. Wamutwala ne ku poliisi n'atakyusa. Ate omwana bw'atandika okweraliikirira ku kigambo ffiizi, aba tasobola kusoma bulungi. Atandika n'okulowooza ku ppulaani endala eteri yaakusoma. Bw'aba muwala, alowooza ku bufumbo ekiddako kuba kufuna basajja ng'embuto ziyingirawo. Abalenzi balowooza ku kukozesa biragalalagala na kwenyigira mu bumenyi bw'amateeka. Ebyo bibi nnyo era tewandyagadde mwana wo kubituukako era okubiziyiza, labirira mwana wo.

Si ggwe osoose, abakyala bangi balabirira abaana baabwe ate ekirungi, ggwe okola. Omusajja gw'okanda ffiizi, yakwendako mu nnyumba mwe yakusanga n'alemwa n'okukufunira w'akussa ekikulaga nti teyalina buvunaanyizibwa okuva mu ntandikwa.

Baana bange mulina okwetegereza ennyo abasajja ababaagala. Waliwo ebintu ebisookerwako omusajja by'alina okukolera omukyala gw'ayagala era maama w'abaana be. Alina okukufunira w'obeera ng'akuzimbira oba okukupangisiza.

Alina okutwala obuvunaanyizibwa ng'agula emmere, okusomesa abaana n'okulabirira abantu abali mu maka ge. Ebyo bw'aba tabisobola, mu butuufu tabalirwa mu basajja.

Abakyala bafuna ku kasente naye obuvunaanyizibwa obusinga buli ku musajja. Kati mwana wange twakubuulirira naye wagaana okuwulira ng'owoza agenda kubikolako. Wafuna omusajja nga mwogezi naye nga mu bikolwa muzibu! N'amala omwaka n'akwata omulala ng'ayogera kintu kimu. Muwala kula, oba omusajja agaanye okulabirira abaana mwesonyiwe ggwe otwale obuvunaanyizibwa bwo. Kimanye nti ggwe taata, ggwe maama kuba abasajja tebakyatya poliisi.